# Ekitongole ekya Yinsuwa kisabye kkooti okugoba omusango gw'abadde akikulira

Bya RACHEAL NANKYA

EKITONGOLE ekirung'amya ebya yinsuwa mu ggwanga ekya IRA n'eyali ssentebe w'akakiiko akatwala ekitongole kino, Dr. Isaac Nkote Nabeta basabye Kkooti Enkulu okugoba omusango gw'abadde akulira ekitongole kino Ibrahim Kaddunabbi Lubega gwe yataddemu ng'ayagala bamwongeze ekisanja ku bukulembeze.

Bano bagamba ekisanja kya Kaddunabbi eky'emyaka etaano kyaggwako nga May 31, 2026 era Protazio Sande yalondeddwa okudda mu bigere bye nga June 1, 2026.

Abawakanya ekya Kaddunabbi okumwongeza emyaka bagamba nti ekisanja kyaggwaako oluvannyuma lw'emyaka egyamuweebwa ng'era okukkiriza okusaba kwe kujja kuleetawo akavuyo kikose enzirukanya y'emirimu.

Okusinziira ku Franccesca Kakooza omuwandiisi w'olukiiko oluddukanya ekitongole kino, Kaddunabbi yalagirwa nga April 29, 2026 okukola ku byokuwaayo obuyinza olwo omukulembeze omulala akole emirimu.

Olutalo lwatandika nga February 16, 2026 olukiiko oluddakanya IRA bwe lwagaana okusemba Kaddunabbi eri minisita w'ebyensimbi okutwala ekisanja ekyokubiri olwo Kaddunabbi n'agenda mu kkooti okuwaabira akakiiko obutabeera kenkanya wamu n'okumenya amateeka

Kaddunabbi alumiriza nti teyawulirizibwa olwo ne watabaawo bwenkanya oluvannyuma lw'okusiimibwa okuweereza obulungi emyaka egisukka 10 ng'akulira IRA, ng'asuubira okuddamu okulondebwa addemu aweereze.

Mu biwandiiko bye yawadde Kkooti, Kaddunabbi agamba nti nga May 2025 yasaba okuzza obuggya endagaano ye n'awaayo alipoota eraga by'akoze mu kisanja kye wabula addukanya ekitongole agamba nti okubeera n'ebisaanyizo okuddamu okulondebwa tekitegeeza nti kya tteeka okuddamu okulondebwa ekisanja ekiddako. Abaddukanya ekitongole nga bakulemberwa Nkote bagamba okunoonyereza kwatandika olw'okwemulugunya okwava mu bantu ku ngeri ekitongole gye kyali kiddukanyizibwamu.



Kaddunabbi

Ekitongole kigamba nti si kirungi muntu akyanoonyerezebwako kusigala ng'akulembera ekitongole era ne basaba kkooti okugoba omusango guno ne beeyama okuliyirira Kaddunabbi ng'aguwangudde.

Omulamuzi Joyce Kavuma yalagidde enjuyi zombi okuteeka mu buwandiike okusaba kwabwe olwo omusango gukomewo nga June 12, 2026.